335/1
LUGANDA
Paper 1
2 hours

# WAKISSHA

## Uganda Certificate of Education

## LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, okufunza, okukyusa, ggulama n'ebisoko)

Olupapula olusooka

Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B.
- Mu kitundu A, mulimu nnamba I(a) ne (b). Londako (a) Oba (b).
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) Oba (b).
- Nnamba 3 yonna ya buwaze.

Bikkula

EKITUNDU A

Ecolebooks.com

Kola nnamba l(a) Oba 1 (b) mu kitundu kino.

1. a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi etakka wansi wa bigambo 400. (Buli mboozi ya bubonero 50)

(i) Nnakulabira essanyu nga mwannyinaffe afuna obufumbo obutukuvu!

(ii) Olubuto lundeetera ebizibu!

(iii) Okulonda abakulembeze nga tubasimba mu migongo kye kisaanye mu kaco kano. Kubaganya ebirowoozo.

(iv) Obulungi bw'eddagala egganda.

Oba

b) Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 200. (Obubonero 25 buli mutwe)

(i) Oli ku kakiiko akalwanyisa ekirwadde ki munaabyangalo (Covid 19) mu ssomero lyo, olondeddwa okusomesa abatuuze abaliraanye essomero lyammwe engeri y'okulwanyisaamu ekirwadde kino, wandiika byonaabagamba.

(ii) Wandiika omuko mu mawulire ng'olaga engeri bakazibaggya gye batyoboolamu eddembe ly'abaana be batazaala.

(iii) Mukwano gwo ayagala kwesimbawo ku kifo ky'obukulembeze w'abayizi mu ssomero lyammwe, gwe olaba tasaanidde olwenneeyisa n'ebikolwa bye. Yogerako naye omubuulire ebiyinza obutamuweesa bukulembeze oboolyawo akyuse.

(iv) Oweereddwa obuvunaanyizibwa okunoonyereza ku bizibu ebireeteddwa omuggalo (Okuggalawo eggwanga) olw'ekirwadde kya Covid 19. Wandiika alipoota ku nsonga eyo.

EKITUNDU B

Kola ekibuuzo 2(a) Oba 2(b)

(Buli kibuuzo kya bubonero 20)

2. a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga kikumi (100).

Olumu ku kyalo Bubebbere Oba wali okiwuliddeko? Nze naawe! Naye ng'ekyalo kino kisangibwa eyo mu Busiro era kyavaako n'enjogera nti komekkome ng'erigenda e Bubebbere. Ku kyalo kino kwaliko omulenzi ng'atemera mu myaka nga 10, 11 Oba 12 ng'omulimu gwe gwa kulabirira ndiga zookukyalo ekyo kye nnayogeddeko edda. Yazirundiranga ku ttale.

Omulenzi ono bwe yabanga alunda endiga zino, olumu yawuubaalanga n'asumagira Oba kale kuyite okwebbowa ng'enjogera y'abavubuka bw'eri ensangi zino. Okusobola okwemalako ekiwubaalo yayimbanga mu ddoboozi eryomwanguka

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

mu ngeri ekaaba "Omusege! Omusege! guguuno gulya endiga" Abantu bookukyalo bwe baawuliranga 'okukaaba', baayambaliranga ku mugongo nga nswa, nga bajja bawejjawejja bwe badduka nga balinnya olusozi bagobaganye omusege gweyongereyo Oba sinakindi bagukube ku ssekalootera bagutte. Naye ekyabaggya eviiri ku mutwe kwe kusanga ng'omulenzi yeesekera ali ku bibye. Omulenzi yasanyuka nnyo ng'alaba banyiize.

"Toddangamu kutuwugulaza mulenzi na kulaajana nga tewali buzibu" nga bategeeza obuzibu bw'omusege bwe batyo bwe baalabula omulenzi. Baaserengeta olusozi ne balaba eryabaleese era ne badda awaka.

Nga wayiseewo akabanga, mwana mulenzi yaddamu okuleekaana mu kayimba ke kali "Omusege! Omusege! omusege guli mulya ndiga!" ekyamutabula era ne kimwewunyisa kwe kuddamu okulaba abantu bookukyalo nga bajja badduka, entuuyo bazisaza bibatu balinnya olusozi bakange omusege gweyongereyo. Baasanga omulenzi asirise, tanyega era ng'ali ku bibye. Baamuboggolera nti "Toddamu n'oleekaana nga tewali buzibu. Owulidde!" Omulenzi yasekera mu kikonde era ndowooza yabakongooza bigere. Ne ku mulundi guno baddayo nga batolotooma ng'enkoko empanga enywedde amazzi amanaabemu kati eba etolotooma ki nga etamanyi ku luzzi!

Ng' abaleka bamaze okuggweerayo era nga n'omulenzi azzeemu okuwuubaala yalaba omusege ogwa ddala nga gusooba okumpi n'eggana. Mu kutya n'okupapa yaleekaana n'abuukabuuka, n'awoggana nga bweyali asobola "Omusege! Omusege! ku mulundino guuguno gulya endiga" Abantu bookukyalo beesuulirayo gwa Nnaggamba nga balowooza nti era ali mu buzannyo bwe!

Enjuba ng'egudde abantu bookukyalo baagenda banoonye omulenzi eyali tanadda, n'endiga zaabwe nga tebazikubako kimunye. Bwe baalinnya olusozi baamusanga ali mu kwekubagiza eno nga bw'akulukusa amaziga okuggwa mu kiwanga. Ku mulundi guno ekyamazima omusege gwazze era eggana gulisanyizzaawo, nnaaleekaanye nnyo temwazze!" Ebyo bye bigambo bye yayogera naye nga munakuwavu muzibu.

Omusajja omukadde eyali alina n'envi mu mutwe era ng'akootakoota, yamusemberera amugumye. Bwe yali amuwambatidde mu mikono gye, yagamba "Tewali muntu akkiriza mulimba, ne bwabeera nga g'ayogera ge mazima" Munnange nno nga nkulabira.

Oba

b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. (Obubonero 20)

UGANDANS MUST START SERIOUS CAMPAIGN AGAINST DEFORESTATION

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

For many years, Uganda has faced various problems while some have been solved, others have continued to exist. Some of those that still exist is deforestation.

Deforestation has affected Uganda's climate and in the near future, I believe the situation will worsen unless both the government and the citizens seriously address the problem. The government cannot fight the problem alone. For example, very many trees are being cut down no one seems to be bothered. Local councils in the villages should sensitize the citizens to fight deforestation.

The reforestation campaign should be promoted in both primary and secondary schools. The government should encourage planting of trees by students around their schools. It is very easy for a student to take care of a tree or trees he has planted. The trend has already started in some schools. Students were given trees which they planted around the compound under the supervision of teachers. They were advised to take care of these trees including the one's they never planted. It is cheaper to promote reforestation in schools.

Bikkula

Secondly, people should be told the effects of deforestation. This should be done in local languages and not English because many Ugandans are illiterate and are the one's responsible for deforestation. All Ugandans have a duty to protect the environment.

(Extractedfrom The New Vision, Monday April 6, 2019)

Kola, ekibuuzo 3(a) ne 3(b)

3. a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekaddwawo (Obubonero 20)

(i) Omusajja eyabadde abbye omwana, kata abatuuze ____________ bamulyemu teba poliisi kujja mangu Singa kati mufu.

(ii) Bwe twamalanga Okulya ekyemisana, nga jjajja atugamba tubuukebuuke emmere eke mu

______________________

(iii) Omulwadde waffe kati akubye ________________ ku Olaba atandise n'okulya ku mmere!

(iv) Namata atikkiddwa ng'omusawo omutendeke era kati musawo awedde

______________

(v) Wadde ng'omukazi gwe yawasa yali mubi ng'akutuza n'e __________ ku ttale kyokka ye bba ng'amweyagalira.

(vi) Nalumansi OYO omulenzi ___________ yamutamiira anti buli wabeera gw'aba ayogerako.

(vii) Nnaleka abagole bagenze okukyusa nze akabina _______________ ne nga nzira ewaka anti embaga yalinga ewedde.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

(viii) Ebigambo ebyo kitaffe yabiddimananga enfunda eziwera era ng'abisimbako nnyo

(ix) Omukulembeze w'eggwanga yali asaaga naye ku luno abamuvuganya bamufuukidde akayinja mu

(x) Oyo okumugamba agende mu katale obeera ogobedde munya mu anti ayagalayo nnyo.

b) (i) Teeka ebigambo bino mu bumu (singular). (Obubonero 10)

- Empiso -
ebyayi - amata

(ii) Amannya gano gakyuse ogazze mu lubu olusooka 1Mu.

- ebikazi -

embuzi -

akasajja.

(iii) Wandiika amannya ag'enkalakkalira ana (4) nga si ga bantu.

BIKOMYE WANTO

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM